# Palamenti ereese etteeka erisiba abasajja abakwatirira obubina bw'abakazi

Bya KIZITO MUSOKE

PALAMENTI ereese etteeka erisiba abasajja emyaka esatu abalina omuze gw'okukwatirira obubina, amabeere n'ebisambi by'abakazi.

Ebibonerezo bino biteereddwa mu bbago ly'etteeka lya Sexual Offences Bill, 2024 erirwanyisa obukaba, ebikolwa by'okukaka omukwano n'obuliisa maanyi eryaleeteddwa Anna Adeke Ebaju (Mukazi/Soroti City).

Etteeka lyasooka okutwalibwa mu Palamenti ku Mmande nga October 14, 2024 mu lukiiko olwakubirizibwa Sipiika Anita Among.

Palamenti y'e 10 ye yasooka okuyisa etteeka lino, kyokka bwe lyatwalibwa ewa Pulezidenti n'agaana okulissaako omukono n'alagira liddeyo babeeko bye bakyusaamu mu 2021. Kyokka ekisanja we kyaggweerako nga terikwatiddwaako.

**EBIRI MU TTEEKA**

Okusinziira ku tteeka, singa omusajja mu bugenderevu akwata ku bitundu by'omukazi ebyensonyi okuli; akabina, ebbeere oba ekisambi nga takkirizza kikusibwa emyaka esatu. Kyokka ne bw'aba akkirizza kyokka nga tannaweza myaka 10 tekikuggyisaako musango. Ekibonerezo kye kimu kijja kuweebwa omuntu ow'obuvunaanyizibwa ku ssomero oba ettendekero anaakwatibwa ng'asendasenda omuyizi ng'amukwata ku bitundu by'ensonyi oba okumunywegera ku mimwa.

- Abakazi abeetunda abaakazibwako erya 'Neeko' nabo bubakeeredde kuba bwe bakukwata osibwa emyaka ebiri oba okusasula 3,600,000/- . Ate omusajja agula malaaya osibwa emyaka ebiri.
- Omuntu okukwatibwa ng'asaasaanya ebifaananyi ebiraga obwereere bwe oba obw'omuntu omulala mu lujjudde nga akabina, ebbeere oba ekitundu ky'omubiri ekirala ekyensonyi bwe gukusinga osibwa emyaka esatu. Ebisaasaanyizibwa ne bwe bibeera bikoleddwa nga beeyambisa kompyuta mu ngeri y'ekifaananyi oba vidiyo era ovunaanibwa.
- Singa ebifaananyi by'obuseegu biba biragiddwa mu maaso g'omwagalwa wo, owa ffamire bwe gukusinga osibwa emyaka etaano.

Kyokka singa omuntu asangibwa ng'ayolesa ebitundu by'ensonyi mu ngeri y'okutuukiriza obulombolombo oba ennono z'ekitundu ky'eggwanga mw'ava tegubeera musango. Era n'omukazi ayonsa omwana tajja kuvunaanibwanga.

- Mu mbeera y'emu singa webbirira n'okwata ebifaananyi ebiraga obwereere bw'omuntu omulala n'obisaasaanya, engassi ebeera ya bukadde 10, okusibwa emyaka egitasukka etaano oba okuweebwa ebibonerezo byombi.
- Ate singa okwatibwa ng'osaasaanya ebifaananyi by'eyali balo oba mukazi wo oba muganzi wo osibwa emyaka 10.
- Singa omukozesa abeerako obubaka obusaba omukwano bw'aweereza omukozi oba gw'osuubira okukozesa ng'omusaba akuganze ng'akakwakkulizo oba omusomesa ku muyizi osibwa emyaka egitasukka 10, okusasula obukadde 20 oba okuweebwa ebibonerezo byombi.

Obubaka obusenda busobola okuba mu bigambo, mu buwandiike, oba ekifaananyi era bw'oba mukozi wa Gavumenti ofiirwa omulimu.

- Abakuumaddembe abakabassanya abasibe asibwa obulamu bwe bwonna.
- Singa omuntu asiba omuntu mu kkomera n'ekigendererwa ky'okumukabassanya mu nsonga z'omukwano bw'akwatibwa asibwa emyaka egitasukka musanvu oba okuwa engassi ya 3,360,000/-.
- Singa osendasenda omuntu n'omutwala mu bikolwa by'okukuba obwamalaaya oba n'omusikiriza okuwaayo ebifaananyi ebyeyambisibwa mu buseegu bwe gukusinga osibwa emyaka egitasukka 15.

Kyokka gwe basenzesenze bw'aba tannaweza myaka 18, eyabimutwalamu asibwa obulamu bwe bwonna.

- Okuganza owoolugandа, bwe gukusinga osibwa obulamu bwo bwonna. Kyokka tewaba musango ssinga kiba kyakolebwa mu ngeri y'okutuukiriza obuwangwa oba obulombolombo bw'eggwanga mwe muva.
- Okukabassanya omwana atannaweza myaka 10 bwe gukusinga osibwa emyaka 18. Kyokka bwe bakukwata ng'obadde ogezaako okukikola osibwa emyaka 15.

Wabula singa okabassanya omwana atannaweza myaka 14, aliko obulemu, eyakutte ng'olina siriimu, ng'obadde mukwasi wa bawala wa lulango ekibonerezo kya kuttibwa.

- Singa okwata omwana atanneetuuka n'omutwala mu bikolwa by'okwetunda mu Uganda n'ebweru osibwa emyaka 10.
- Okukaka omukazi oba okukabassanya omwana osibwa emyaka egitasukka 8 kyokka bwe kizuulibwa nti, amusiize akawuka akaleeta siriimu asibibwa egitasukka 10.
- Omuntu asobezeddwaako bw'aba yabadde yeebase, alina ekikyamu ku kutwe, oba ng'omaze kumuwa biragalalagala oba omwenge ekibonerezo kya kusibwa emyaka egitasukka munaana.
- Singa okusobya kubeeramu okutuusa ku mubiri gw'omuntu obulabe n'okumutiisatiisa bwe gukusinga basobola okukuwa ekibonerezo ky'okufa.
- Osobola okusibwa emyaka egitasukka 10 singa bakukwata ng'osobezza ku mukazi awezezza emyaka 50 n'okudda waggulu, singa eyasobezza abeera nga wa lulango.



Anne Ebaju Adeke, eyaleese ebbago.

## Boogedde ku tteeka erireetebwa



Mariam Wanene: Abasajja basussizza okukwatirira abakazi, ne bw'aba takumanyi akutiga ate nga oluusi watambudde ne balo. Osanga baneddako.



Edward Muyanja: Obukaba ne ku mulembe gwa Noah bwaliwo. Kasita abantu bakkiriziganyizza ate lwaki babasiba? Palamenti ekole ku bizibu ebirala.



Shillah Namuyomba: Abawala abamu bafuna mu mulimu gwa 'Nneeko'. Kati bwe bayisa etteeka ku bo, embeera ejja kukaluubirira abamu.



Sam Akidi: Omusajja atigaatiga omukazi ye bamusibe naye abawala ba 'Nneeko' babareke kubanga mwe baggya akasimbi akababeezaawo.